
# KAMPALA KATI ASSA

- **Abatembeeyi, aba ttakisi ne booda baabazinzeeko ekiro**
- **Minisita alaze bifo 2,500 abagobeddwa gye basobola okukolera**

PONSIANO NSIMBI

-P2 &3



Mu Kampala ku Mini Price okumpi ne Kikuubo nga weetadde bulungi olw'abatembeeyi abaagobeddwaawo.

# Kampala bamu

Bya HANNINGTON NKALUBO
PONSIANO NSIMBI
NE ERIA LUYIMBAAZI



EKIBUGA Kampala kifunye we kissiza oluvannyuma lw'amagye, poliisi n'abaserikale ba KCCA okugumbulula abatembeeyi ababadde batundira ku nguudo, abattakisi ssaako aba bodaboda abamaze ebbanga nga beefuze enguudo.

Enguudo ez'enjawulo mu kibuga kati nkalu, abeebigere batambula kyere awatali kutaataaganyizibwa abatembeeyi n'abatundira ku nguudo ababadde bayiwa buli kika kya mmaali banoge ku ssente.

Ebimu ku bibadde bitundibwa kuliko; engoye, engatto, emyera gy'amatooke, omulondo, obutunda, ennyaanya, obutungulu, muwogo, ffene, ebyennyanja ebikalu n'ebibisi, emmumbwa, eddagala ly'amaanyi g'ekisajja, ebitabo, lumonde, emiyembe, emifaliso, bbuto, ssukaali, obutwa bw'emmese, emigaati, ebijanjaalo, kawo, emmamba, biker z'abakyala ne kalonda omulala.

Aba booda ne ttakisi ezisimba n'okutikkira abasaabaze wakati mu nguudo nabo tebaalutonze era amagye, poliisi n'abaserikale ba KCCA baakutte eziwerako mu kikwekweto ekyatandise ekiro ekyakeesezza Olwokutaano.

Ebifo byonna ebibadde bitayitikamu kati byetadde. Enguudo 12 ezibadde zaawambibwa okuli Namirembe Road, Luwumu Street, Ssebaana Kizito Road, Allen Road Kisenyi Road, William Street, Wilson Road, Burton Street, Ben Kiwanuka Street, Johnstone Road, Mackay Road, Kyaggwe Road, Kafumbe Mukasa ne Kampala Road, kati tekuli byamaguzi.

Kati omuntu ayimirira okumpi n'ekizimbe kya Mutaasa Kafeero ku Luwum Street n'atunula buterevu wansi ku Mini Price amaaso ne gayitamu okugendera ddala ku Namirembe Road kuba akavuyo n'omujjuzo byaweddewo.

Ebikwekweto byatandise okukolebwa ku ssaawa 6:00 zennyini ez'ekiro ekyakeesezza eggulo (Lwakutaano). Ebibinja by'abaserikale byasimbudde ku CPS n'abalala ku City Hall ne poliisi ya Kampalamukadde ne bikkirira ku nguudo era obwedda buli abalengera ng'azingako ebibye ng'adduka.

Waliwo abamu abakyesikiggirizza nga babiyita bya muniino, era abo baalozezza ku bukaawu bw'abaserikale abaatwaliddemu ne bannannyini maduuka ababadde basula nga bazingidde emmaali yaabwe ebweru ku nzigi ssaako abaana b'oku nguudo abasula ku mbalaza.


Nuwe Abiine

Ebiragiro obwedda ebiva mu baserikale nga tewali abiwakanya, wazira okubigendera. Obwedda abaserikale babajuliza nti, ebbanga lya wiiki ebbiri lye bamaze nga babasomesa ne sizoni ya Ssekukkulu nnamba gye bakoze bibamala.

Baabalaze nti KCCA yabafunira dda ebifo mu butale ebiwera 2,520 n'ebirala mu butale bw'obwannannyini n'essaawo n'enkola y'okubagatta ku mutimbagano kwe basobola okutundira emmaali yaabwe.

Ebifo nga ku katale k'abalema emabega wa poliisi ya Mini Price wonna baaseesetuddwa, ate ne bannannyini maduuka ne bagaanibwa okutuusa ebyamaguzi ku mbalaza kwe baabadde balangira.

**ABATAKISI;** Mmotoka zonna ezibadde zisimba ebweru wa Paaka Enkadde n'empya zigobeddwa. Abasaabaze abaabadde balinnyira ku Mini Price, ku Mutaasa, ku Burton ne ku Ben Kiwanuka bonna obwedda bategeezebwa kugenda mu paaka nti mmotoka gye zaatwaliddwa.

**ABA BODABODA;** Ababadde basimba ku Mini Price ne mu luguudo lwonna olwa Luwum ne Namirembe Road ezaakyusibwa ne zigobwamu ebidduka byonna ebikozesa amafuta oluyitibwa Non Motorized Transport Corridor.

## NATETE, KAWEMPE, NAKAWA, MAKINDYE NAYO EBIKWEKWETO BITUUSE

Ebikwekweto byatuuse ne mu ggombolola aga Kampala ng'ababadde batundira ku mabbali g'enguudo e Nateete, Busega, Nalukolongo mu Lubaga tebalotonze.

E Kawempe Nakawa n'e

# gogodde n'afuna ku buweerero



Mmotoka ng'etisse ebimu ku bintu ebibadde bikozesebwa abatembeeyi.




Luwum Street nga yeetadde oluvannyuma lw'okugobako abatembeeyi.



Omukyala nga bimusobedde.





Abaserikale nga boogera n'owa booda, agondere ebiragiro.

## Abantu bye bagamba

Mutwalib Lumala; Kyandibadde kyamakulu KCCA okuteekerateekera abantu w'ebatwala ng'ebagobye ku nguudo kuba okugoba obugobi oba togonjodde kizibu.



Michael Bagenda; Tusaba KCCA ekkirize abantu okutwala ebintu byabwe kuba waliwo abaabadde babikwese kyokka ne gye baabitadde, KCCA etuuseeyo. Abantu tebandifiiriddwa mmaali yaabwe.



Sulaiman Kiyaga; Wadde KCCA egobye abantu ku nguudo, bajja kufuna we balaga batandike okukola kuba tewali asobola kugaana kiragiro kussibwa mu nkola.



Francis Jingo; Tusanyukidde KCCA okutereeza Kampala. Abattakisi bayingire ppaaka, abasuubuzi baddeyo mu butale, kituyambe okutereeza ekibuga kyaffe.

Makindye, abaserikale yonna bali mu kukwasisa mateeka era ebiragiro byatuuse. Abasuubuzi mu maduuka ne baddereeva mu paaka basanyukidde KCCA okutereeza ekibuga kyokka ne bagiwa amagezi nti bw'eba yaakutuukiriza bigendererwa byayo, tegeza okwekkiriranya, buli agobeddwa tadda ku luguudo.

Minisita Kabuye Kyofatogabye yagambye nti abaagobeddwa ku nguudo Gavumenti ekoze enteekateeka ebassa mu bifo 2,500 mu butale bwa Gavumenti mu Kampala.



Aba miritale nga balawuna ekibuga okulaba nga waliwo emirembe.



Abakozi ba KCCA nga bakung'aanya emmaali y'abatembeeyi.